



WESTERN JOINT MOCK EXAMINATIONS

Uganda Advanced Certificate of Education

LUGANDA

(OKUKYUSA, OKUWANDIIKA EMBOOZI, OKUSOMA BWINO N'OKUFUNZA)

Olupapula Olwokubiri

Essaawa (3)

EBIGOBERERWA:

- *Olupapula luno lugabanyiziddamu ebitundu bina: **A**, **B**, **C** ne **D***
- *Ebitundu **A**, **C**, ne **D** bya buwaze*
- *Mu kitundu **B** oweereddwa eby'okulondako by'oyagala okuddamu.*
- *Ddamu nga bw'olagiddwa mu buli kitundu.*

EKITUNDU A

Ddamu 1(a) ne 1(b).

1(a) Kyusa ekitundu kino okizze mu Luzungu (Obubonero 15**)**

Katikkiro wa Buganda Charles Peter Mayiga asoomoozezza abateekateeka okugattibwa mu bufumbo obutukuvu obutakikola olwokuba baagala okunyuma mu byambalo oba okugendako mu lutikko wabula bakimanye nti ako kabonero akalaga omuntu akuze era ow'obuvunaanyizibwa. Omusajja oba omukazi atannaba kufuna bufumbo tewabeera amwesiga oba amuzza mu kyama kyokka n'obwami edda nga kizibu okubufuna.

Abafumbo bona okusonyiwagananga kikolwa kinene mu kubeerawo kw'obufumbo. Obufumbo obutukuvu kirabo ekiva eri katonda era yekka y'akirinako obuyinza. Noolwekyo abafumbo mulina okumwekwata mu byonna bye mukola okusobola okutambuza obufumbo bwammwe. Abafumbo mulina okwewala embeera etabangula obufumbo, nga musoowaganye mukkaanye.

(Kisimbuddwa nga kikyusiddwamu okuva mu: Bukedde Lwamukaaga Mugulansigo 3, 2017).

(b) Kyusa ekitundu kino okizze mu Luganda. (Obubonero 15**)**

When teachers and Head teachers absent themselves from school, no learning can take place, no supervision of pupils' learning can take place and hence the school environment becomes chaotic and less child-friendly.

Learners will then fall play to redundancy and will start engaging themselves in bad behaviors as well as going to adult related entertainment places within the school environment or on the way to and from school; such places as disco halls, video halls, drinking places or they just hang around the trading centers.

Parents need to constantly visit school to check on whether their children are learning and what challenges they face. The school community, under the umbrella of the SMC / BOG and local authority like the LCs should also take collective responsibility to ensure safety and security of the children and to check on their anti-social behaviors. Critical in this case is the local business owners around the school or on the way to/from school needs to be sensitized so that they do not allow school children into disco halls, video halls or any such public entertainment.

(Extracted from: Journal of Guidance & Counseling: Department of Guidance and counseling - Ministry of Education and Sports).

EKITUNDU B

Ddamu 2 (a) oba 2 (b)

2 (a) Ku mitwe egikuweereddwa, londako gumu oguwandiikeko emboozzi ya bigambo 450 – 500. **(Buli mutwe gwa bubonero 30)**

- (i) Essimu y'eviiriddeko obusambattuko mu maka okweyongera. Kubaganya ebirowoozo
- (ii) Abantubalamu magoma
- (iii) Engeri Abaganda gye baakuumangamu obuyonjo bw'enju zaabwe.
- (iv) Gavumentu ekole ki okusobola okumalawo ekittabantu ekikudde ejjembe mu Uganda ya leero?

Oba

1 (b) Ku mitwe egikuweereddwa londako ebiri (2) buli gumu oguwandiikeko emboozi nga bw'olagiddwa. (**Buli mutwe gwa buponero 15**)

- (i) Wandiika omuko mu mawulire ng'onnyonnyola engeri ebibiina by'obulimi gye biyinza okuyamba abavubuka b'omulembe guno okwenyigira mu byobulimi okusobola okwetakkuluza ku lukokobe lw'obwatu. (**Kozesa ebigambo 250**).
- (ii) Yogerako eri ab'ekika kyo abakuṇṇaanye mu kumanyagana kw'Omputuba gwammwe ku mutwe guno: "Tuddeyo ku nnono zaffe". (**Kozesa ebigambo 250**)
- (iii) Weefuule ssentebe w'akakiiko akaakoze okunoonyereza ku kiviirako abaami obutajjumbira kuwerekera bakyala baabwe mu malwaliro nga bagenda okuzaala, awandiike alipoota gye munaawa Ekitongole eky'ebiyobulamu ku disitulikiti. (**Kozesa ebigambo 250**)
- (iv) Muwala wo agenda kwegatta ku ssettendekero w'e Makerere oluvannyuma lw'okwewangulira sikaala ey'okusoma obulungi ate ng'ava mu maka maavu. Mutuuze omubuulirire ku ngeri gy'asaanye okweyisaamu ng'ali e Makerere. (**Kozesa ebigambo 250**)

EKITUNDU C.

3. Soma ekitundu kino n'oluvannyuma oddemu ebibuzo ku nkomerero yaakyo.

Mu Uganda mulimu ekifo awakuumirwa abaana abasingiddwa emisango gy'obumenyi bw'amateeka kimu ekisangibwa mu disitulikiti y'e Mpigi nga kikuuma abaana abali wakati w'emyaka 12 ne 18 kubanga abali wansi w'emyaka gino okusinziira ku tteeka ly'abaana tebasobola kuzza musango. Okutuuka mu kifo kino okwata ku lw'e Masaka n'oyita mu kibuga ky'e Mpigi ne weeyongerako mu maaso w'okyamira okukwata eky'ettaka mayiro bbiri okutuuka ku kasozi. Kampiringisa talina kikomera wadde ekintu kyonna ekitangira omwana okufuluma. Kino kiri kityo lwakuba etteeka erifuga abaana liragira omwana okwetaaya nga bw'ayagadde awatali kimutangira.

Ekifo kino kyazimbibwa mu 1954 nga kikuumbwamu baana balenzi ng'abawala baabatwalanga Kabale okutuusa mu 1995 lwe lyatandika okubakuumira awamu. Ekifo kino kirina obusobozi okukuuma abaana 450 kyokka omuwendo guno tebaguweza. Waliyo ababudaabuda abaana bano n'okubabuulirira, abafumba, abalabirira ennimiro n'ebirala.

Waliwo ebizimbe ebisoba mu 10 wabula tekuli n'ekimu ekiriko emitayimbwa mu ngeri y'okukugira abaana. Kino kiva ku nsonga nti, babuulirirwa nnyo ate n'abagezaako okutolokaabantu ab'omu kitundu babakwata ne babakomyawo. Buli lunaku abaana bano bayitibwa ku paleedi emirundi etaano okulaba nga bonna weebali. Baliisibwa bulungi nga banywa ne caayi mu biseera ebisaanidde nga bwe kibeera awaka. Emmere okuli akawunga, omuceere n'ebijanjaalo bye basinga okulya wabula ku nnaku enkulu balya nnyama nga byonna bibaweebwa Gavumenti.

Bano tebalekebwaa nnyo kutaayaaya okutuusa nga bamaze okubuulirirwa n'okubudaabudibwa ne batereera. Abaana basula mu bisulo bya njawulo okusinziira ku myaka gyabwe, n'abaleetebwa nga bazza emisango egya nnaggomola basuzibwa bokka. Nga bali eno basomesebwa ebyemikono omuli okutunga, okusiba enviiri, okwokya ebyuma, okusiiga langi n'emirimo emirala mingi okubasobozesa okuva e Kampiringisa nga balina kye basobola okwekolera okweyimirizaawo. Atayagala bino waddembe okuzannya ebyemizannya eby'enjawulo nga omupiira, ludo, dulafuti n'emirala.

Bayigirizibwa eddiini ne basobola okukyusa empisa n'okubaleetera bakansala ab'enjawulo okubabudaabuda. Okulima n'okulunda bikolebwa ku ttaka ly'ekifo kino. Balunda ente, embizzi n'enkoko wabula era omwana ye yeesalirawo eky'okukola. Omwana alina okukuumibwa ebbanga eritasukka myaka esatu omusango gwe yazza ne bwe gubeera gwa Nnaggomola. Ebbanga lino bwe liggwako abakulira ekifo kino boogera n'abazadde ne bakkaanya okumubaddiza oba okumusigaza singa embeera eraga nti obulamu bwe bwandiba mu matigga ng'agenze eka. Obumenyi bw'amateeka mu baana buva ku bazadde abamu abasuula obuvunaanyizibwa bwabwe nga tebakyasobola kugunjula baana. Abaana bwe bakola akasango ne bwe kabeera katono baddukira ku poliisi babasibe. Obulagajjavu bw'abazadde eri abaana nga tebakyalina

budde bwabwe kumanya kigenda mu maaso mu bulamu bwabwe ekiwa omwana omwagaanya okukola buli kimu ky'ayagala. Okuwa abaana ebibonerezo ebikakali kibatamya awaka, bw'aba asoma buli lw'ava ku ssomero tayagala kuddayo olw'okutya okutulugunyizibwa. Firimu ez'enjawulo abaana ze balaba ezirimu okutta n'okukola ebintu ebirala ebitandisaanye kulabwa baana bato zibayigiriza obukodyo obwenjawulo bwe beeyambisa mu kumenya amateeka. Era okukozaesa ebiragalalagala nga enjaga bibatabula obwongo ne batuuka n'okukola ebyambyone nga tebalii mu kutya n'akamu.

Ebibuuzo:

- (a) Wa ensonga lwaki ekkomera ly'ekampiringisa teririiko kikomera (**Obubonero 2**)
- (b) Ng'oggyeeko okubuulirirwa n'okubudaabudibwa, bintu ki ebirala omwana by'afuna ng'atwaliddwa e Kampiringisa? (**Obubonero 4**)
- (c) Nyonnyola ensonga eziviiriddeko obumenyi bw'amateeka okweyongera mu baana. (**Obubonero 6**)
- (d) Sinziira ku kitundu onyonyole ensonga lwaki abaana e Kampiringisa tebatoloka (**Obubonero 4**)
- (e) Nyonnyola amakulu g'ebigambo bino nga bwe bye yambisiddwa mu kitundu ky'osomye. (**Obubonero 4**)
- matigga
- ebikakali
- kutaayaaya
- omwagaanya.

EKITUNDU D

4. Funza ekitundu kino mu bigambo nga 100. (**Obubonero 20**)

Nnaggyayo engoye ezaali awo okumpi ne nzivumbika mu bifo omwali mufumbukuka omusaayi. Ekyo nga nkimaze, nnasitama mu nsonda y'ekisenge nga nkubidde ensingo ng'emba nziwigise wakati w'ebibatu ne ntunuulira ensanke ekulugguka. Nnatandika okweraliikirira n'okulowooza kyemba nkola, naye ng'ebirowoozo biziŋŋamye era bibutaabutana bubutaabutanyi. Ku nkomerero ya byonna nnasalawo kuziika mufu mu kisenge ekyali ekyabagenyi ekyokuddiyo. Mba nneekakaba ntandika okuyikuula entaana, ng'abuggyako eddiba. Nnali sisobola kuyikuula ttaka misana nga ntya abantu abayita ebweru okumpulira. Bwentyo omusana gwonna nnagumala mu nju nga ntuguulitana n'omufu wange. Buli lwe nnawuliranga akakuba ebweru emmeeme n'etyemuka be twa-a-a! Olwo ne mbuuka ne ŋjenda nningiriza mu katuli k'ekisumuluzo ndabe oba nga waliwo ajja.

Ng'obudde bukedde, nnagera ng'abantu tebakyatambula ne ntandika okusima nga bwe nsiriikirizaamu ntegerezze oba ng'ebweru eriyo awulidde. Ekinnya olwaweraaweramu nga nnindiggulamu mulambo, nga nsuulamu n'ebigoye ebyali bijoobanye omusaayi, nga nziika. Bwe nnamala ng'ettaka ndirinnyirira okutuusa lwe lyaseeteera ne waguma ne wasaana.

Ekyo bwe kyaggwa ne ntandika okwekeja nga nkuuta n'okusiimuula omusaayi mwe gwaali gukulukutidde n'okutiiriikira. Okwo nnazzaako kwala buliri na kwalirira mikeeka mu bisenge. Nnayambula engoye okwali omusaayi ne nzisiba mu mugugu era ne nzirira n'ekiso kye nnassisa nakyo ne nkiwagika mu mugugu ogwo.

Nnayambala engoye endala, ne nkwatera eriraga e Kisaalizi. Nga ntambuddeko akabanga, nnatuuka awali ebidiba ebikadde omwasimwanga omusenyu ebyali birandiddeko n'ebiddoddo. Nnasowola mu mugugu ekiso kye nnatemuza, ne nkisolossa mu kimu ku bidiba. Ate bwe nneeyongerayo mu maaso ne nkyama omugugu ne nguvuubiika mu mpampagama y'ekiswa ekifulufu, empampagama ne ngizibikira n'ebifunfugu.

Obudde buba bunyiimuula nga nninnya bbaasi era essaawa okuwera ebbiri nga ffe bataka ab'edda ab'omu Kampala. Omwo saasimbamu kitooke nga nzikirira Kisaalizi. Namalayo wiiki ntono ne nkomawo. Abantu beewuunya nnyo okulaba nga nkomyewo amangu nt yo, naye tewaali akinonooza nnyo! Bwe nnatuuka awaka ne nneeyisaayisa nga bwe neeyogeza nti, "Aba muno, aba muno? E-aba muno bazze wa! Baasenguka? Ndaba tewali na kigere!" Nnagenda ku muliraano ne mbabuuza oba nga baali bamanyi ab'ewaffe gye baali beewunguliddeko. Bantegeeza ng'omukyala bwe yali agenze kiyumbaanaagwa okulaba abakadde. Bankwasa ekisumuluzo ηnjende nneggulirewo, wabula bo abaana ne ηjaana okubatwala nga nnimba nti nze siibasobole nga munnange taliiwo.

Nnamala wiiki nnamba awaka nga neefulukuta na bya kugogola na kuddaabiriza nyumba nsangulirewo ddala obubonero obwandindoopye nti nnatta omuntu. Ekiseera kino kyonna saanyega yadde okusiinya ku bya mukyala wange. Naye wiiki nga ngikubye amabega nnatandika okwesunaasunanga nga ndabye ku baliranwa wabula bo abantu ab'oku kyal baali batandise oluvuvvuumo nti muka Gaajuule teyabula bubuzi, bba ye yamutta.

BIKOMYE WANO.